

25th March 2018.

**OKWENENYA KUTUTEEKA MU KKUBO MWE TULABIRA
KATONDA.**

Okuva 33.

“Nnaawuliriza Mukama Katonda by’agamba; asuubiza abantu be, be batukuvu be, okubawa emirimbe; naye tebaddayo mu byonoono byabwe. Ddala ddala obulokozi bwe busemberera abo abamutya, ensi yaffe n’eryoka ejjula ekitiibwa kye. Okwagala n’obwesigwa bisisinkanye; obutuukirivu n’emirembe binywegereganye.” Zabbuli 85:8-9.

vs 1-2 Mukama akuuma ebisuubizo bye eri abantu be.

Yisirayiri yali amaze okwonoona bwe yeekolera katonda mu zzaabu era ng’obusungu bwa Mukama bwali bubuubuse gye bali.

Ebisuubizo bya Katonda n’okukola kwe tebisinziira ku bulungi bwaffe,oba bwesigwa bwaffe wabula businziira ku bulungi n’obwesigwa bwa Katonda. Naye kino tekitegeeza nti tulina kukola buli kye twaagala olw’okubanga Katonda tasinziira ku bye tukola okukola ebisuubizo bye.

vs 4-6 Abanutu bakyukira Katonda (beeyambula eby’okwewoomya)

Abayisirayiri bwe baawulira amawulire ga Katonda obutagenda nabo ne bayambula eby’okwewoomya (Ornaments).

Kano kaali kabonero ak’okungulu akalaga okwenenya nga banakuwalira obutali butuukirivu bwabwe basobole okugenda n’okubeerawo kwa Mukama mu nsi gye yabasuubiza.

Newaakubadde bano baakola ekiraga nti baali beemenye emitima naye tumanyi nti mukaseera katono ate baali bazeeyo mu bikolwa bingi ebiraga nti baali batambulira mu bugyemu eri Katonda.

Ffenna twakiikirirwa Abayisirayiri bano nti emirundi mingi tujja eri Mukama nga tukola ebikolwa ebiraga nti tweneyezza naye mukaseera katono nnyo ate netuddayo mu bikolwa byaffe ebyedda.

Katonda asanyukira emmeeme eyeenenyezza era nga ayagala buli omu ku ffe okubala ebibala ebiraga nti twenenyanya.

Okwenenyanya kuba kukyuka okuleka obutali butuukirivu bwaffe bwonna era nga kino kikola amakulu eri Mukama bwe kikolebwa nga kiva mu mitima gyaffe.

“Tosanyukira ssaddaaka, nandikuleetedde; n’ebiweebwayo ebyokebwa tobisanyukira. Ssadaaka Katonda gy’ayagala gwe mwoyo ogutedgedde okusobya kwaago. Omutima oguboneredde, Ayi Katonda, toogugayenga.” (Zabbuli 51:16-17)

“Mukama kyava agamba nti, ‘Mukomeewo gyendi n’omutima gwammwe gwonna. Mukomeewo n’okusiiba n’okukaaba awamu n’okukungubaga.’ Muyuze emitima gyammwe so si byambalo byammwe. Mudde eri Mukama Katonda wammwe, kubanga ajjudde ekisa n’okusaasira, era tasunguwala mangu; ajjudde okwagala okutaggwaawo; n’abandisaanidde okubonerezebwa abasonyiwa.” (Yoweeri 2:12-13).

vs 7-11 Weema y’okusisinkaniramu Katonda;

Musa azimba weema ebweru w’olusiisira era nga eno yali yaakweyawulira Mukama nga buli eyali yeetaaga Mukama nga agenda ewali eweema eyo.

Wano Musa ayawula abantu ssekinnoomu n’ekibinja nga bwe tulaba nti buli eyeetaaganga Mukama yalina akujja ku weema eno.

Okukunjaana ng’ekibinja kulungi nti mu kuno tufuna okubudwabudwa, okuwabulwa, okugabana, okwagala; naye okubeera n’enkolalagana eyaffe ng’abantu ssekinnoomu ne Katonda kikulu nnyo mu buli bulamu bwa mukkiriza.

Ng’olusiisira bwe lwazimbibwa nga buli muntu eyali yeetaaga Katonda nga ajja kulusiisira luno, era ne Musa nga bwe yalina enkolalagana ne Katonda nti Katonda yayogeranga naye ng’omuntu bwayogera ne mukwano gwe, naffe kitugwanidde okunoonya enkolalagana ne Katonda.

“Mumpite n’abayitaba ne mbalaga ebikulu ebitanoonyezeka bye mutamanyi.” (Yeremiya 33:3)

“Munoonye Mukama nga bwakyayinzika okulabika, mumukaabirire nga bw’akyali okumpi.” (Isaaya 55:6)

Obulokozi bwa kuba na nkolagana ne Katonda era nga enkolagana eno yatabaganyizibwa Yesu Kristo nti mu yye twaafuna eweema mwetosisinkanira Katonda.

“N’olw’ekyo omuntu yenna bw’abeera mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby’edda nga bigenze, laba ng’afuuse muggya. Ebintu byonna biva eri Katonda eyatukomyawo gy’ali nga tuyita mu Kristo, era ne tuweebwa obuweereza obw’okutabaganya. Kubanga Katonda yali mu Kristo, ng’atabagana n’abantu, nga tababalira bibi byabwe, n’atuteresha ffe obubaka obw’okutabaganya.” (2 Abakkolinso 5:17-19).

Katonda ng’ayita mu Kristo Yesu yateekawo entabagana na buli muntu era entabagana eno ezimbibwa buli lwetuwliziganya naye okuyita mu kigambo kye n’okusaba.

Okubeerawo kwa Mukama tekwesigamiziddwa ku kifo naye ali buli wamu era nga buli wetubeera tusobola okutambulira mu kubeerawo kwe.

vs 12-13 Musa asaba Mukama okumuyigiriza amakubo ge.

Musa azze ng’alaba Katonda by’akoze okuva lwe yamuyita naye akyalina ennyonta ey’okumanya amakubo ge.

Buli gye tukoma okumanya Katonda gye tukoma okwagala okweyongera okumumanya era tuleme kumatizibwa na ngeri ze twamulabamu ez’edda wabula tunoonye amaaso ge buli lunaku.

“Okumala olunaku olumu mu mpya zo, kisinga okubeera emyaka olukumi mu bifo ebirala. Njagala okuba omuggazi mu nnyumba ya Katonda wange, okusinga okubeeranga mu weema z’abakola ebibi.” (Zabbuli 84:10)

Bwe tumatizibwa n’eddaala lye tuliko mu kumanya Katonda tutandika okuddirira mu nkolagana yaffe naye olwo ne tutandika kwogera ku nkolagana yaffe naye mu byayita ekituviirako okumuweereza olw’obumanyirivu naye nga tuli bakalulu.

Mukama atuyise okubeera mu nkolagana naye buli kaseera.

vs 14-20 Mukama asubiza okulaga ekitiibwa kye.

Mukama addamu okusaba kw'okumulaba okwakolebwa Musa.

Mukama addamu okusaba kwa buli ayagala okumulaba newaakubadde nga engeri zaatweragiramu ziyinza okuba ez'enjawulo.

Bangi tusaba Mukama atwerage nga bwe yeeraga Musa naye tumanye nti enkola ze ziyinza obutafaanagana ne mu mbeera ezifaanagana.

vs 21-23 Olwazi olw'okuyimirirako.

Mukama ategeeza Musa nti "Waliwo wano okumpi nange ekifo ku lwazi: kw'onoyimirira."

Wano Mukama ayogera ng'ali mu kifo eky'obuliwo era nti Musa anaayimirira ku lwazi alabe ekitiibwa kya Katonda.

Ekifo kiri kumpi ne Mukama.

"Kigambo yaliwo ng'ensi tennatondebwa. Kigambo yali ne Katonda, era Kigambo yali Katonda. Oyo, okuva ku lubereberye yaliwo ne Katonda. Ebintu byonna byatondebwa ku lulwe, era tewaliiwo kintu na kimu ekyatondebwa nga taliiwo. Mu Yye mwe mwali obulamu; era obulamu buno ne buba ekitangaala eri abantu." (Yokaana 1:1-4)

Yesu Kristo lwe lwazi era ye Kigambo eyali awali Katonda. Mu Kristo Yesu tulina ekifo mwe tulabira Katonda.

"Omutima gwammwe tegweraliikiriranga. Mukkirize Katonda nange munzikirize. Munnyumba ya Kitange mulimu ebisenge bingi, era ngenze okubateekerateekera ebifo. Singa tekiri bwe kityo nandigambye. Bwe ndimala okubateekerateekera ekifo ndikomawo, ne mbatwala gye ndi, Nze gye ndi nammwe gye muba mubeera. Era gye ngenda ekkubo mulimanyi. Tomasi n'amugamba nti, 'Mukama waffe, tetumanyi gy'olaga, kale tuyinzi tutya okumanya ekkubo?' Yesu n'addamu nti, 'Nze kkubo, n'amazima n'obulamu. Tewali n'omu ajja eri Kitange wabula ng'ayita mu Nze.'" (Yokaana 14:1-6)

Ffena tuli mu kkubo eryo?

Katonda asubiza n'atuukiriza.

Katonda takola kusinziira ku bwesigwa bwaffe, wabula asinziira ku bwesigwa bwe Ye.

Katonda yatuwa Kristo Yesu abe engeri gye tuyinza okuyitamu okumusisinkana. Era mu Kristo Yesu ayagala okuba n'enkolagana na buli muntu.